

D.O.W.B.I

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

CERTIFICATE

IN MINISTRY



OKUTEGEERA OKUSIIBA

Name/Erinnya _____

Located/ * Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]
Tusangibwa * Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kagga Rd.

KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]

COURSE OUTLINE (3 HOURS)

OKUTEGEERA OKUSIIBA



> OKUNNYONNYOLA:

Okusiiba kuva mu bigambo, "Innah Nephesh" bitegeeza "okulumya emeeme oba okwerumya", ekitegeeza okukola okwegaanyisa (Zabbuli 35: 13). Okusiiba ku luberyeberye kwali kulaga ennaku ennyingi. Oluvannyuma kwafuuka nkola ya buwangwa okulaga abalala empulira ez'omunda ez'ennaku era ne kufuna obukulu mu ddiini.

Okusiiba mu biseera eby'edda kwa kozesebwanga mu busawo. Omuntu alina endwadde ennyingi nga akyuusa engeri gy'alyamu nga mwalingamu n'okusiiba nga kukulu nyo mu kuwonyezebwa.

Musa (Okuva 34:28) ne Eriya (1 Basekabaka 19:8) ennaku 40 zebamala nga tebalya tekwoogerwako nga okusiiba mu byawandiikibwa.

>> **OKUSIIBA KW'OMUNTU OMU N'OKW'ABANGI:**

- Okusiiba kw'omu: 1 Samwiri 1:7; 2 Samwiri 12:16; Luka 2:37
- Okusiiba okw'abangi nga kulangirirwa mu biseera by'entalo: Ekyabalamuzi 20: 26; 2 Ebyomumirembe 20: 3; Yoweri 1: 13, 14; 2: 12; Isaaya 58:3; Zekaliya 8: 19

>> **OKUVA MU NDAGAANO ENKADDE BINO BYAVIIRAKO ABANTU OKUSIIBA:**

- Okulumwa okunene – 1 Samwiri 1:7; Danyeri 6: 18
- Obusungu obubuubuka – 1 Samwiri 20:34
- Ennyike n'ennaku - 2 Samwiri 3:35
- Okunyiizibwa okw'ekitalo - 1 Basekabaka 21:4, 9.
- Okuwulira amawulire amabi – Eseza 4:3
- Okukungubagira abafudde – 1 Samwiri 31:13

>> **OKUVA MU NDAGAANO ENKADDE BINO BYALETERA ABANTU OKUSIIBA MU MAASO GA KATONDA**

- Okukungubagira ebyonoono – Ezera 10:6; Yona 3: 5
- Okunoonya Katonda – 1 Samwiri 12: 16; Ekyabalamuzi 20:26; 2 Ebyomumirembe 20:3; Yoweeri 1:13ff;
- Okulaga okunyolwa olw'ekibi – Isaaya 58:3 – 5; Nekemiya 1:4; Danyeri 9:3; 1 Samwiri 7: 6; Ezera 10: 6
- Ennaku ez'okudda obuggya – Nekemiya 9:1ff
- Olunaku olw'okutangirira (lumu omwaka) – Okuva 30:10; Ebikolwa 27:9

Kirabika bulungi nti mu Ndagaano Enkadde nti okusiiba yali nkola ya kwerumya n’oluvanyuma kwafuuka nkola ya ddiini.

Okusomesa kw’Endagaano Enkadde: Isaaya 58: 6 - 9

>> **OKUSIIBA MU NDAGAANO EMPYA:**

Enjiri zitandika n’okuzaalibwa kwa Mukama waffe Yesu Kristo.

- Mu Lukka 2:37, waliwo namwandu ayitibwa Anna eyaweereza nga Katonda n’okusiiba n’okusaba ekiro n’emisana.
- Mu Makko 2:18, Luka 18:12 Abayigirizwa ba Yokaana n’Abafalisaayo basiibanga.
- Mu Bikolwa 10:30, waliwo Omukulu w’eggye ly’Abaruumi eyasiibanga n’okusaba.

Okusiiba kwa Yesu: (tekwogerako mu njiri eyasooka eya Makko 1: 13). Kusangibwa mu Matayo 4: 1 - 11; Luka 4:1 – 13.

>> **EBINTU EBIKULU ENNYO KU KUSIIBA KWA YESU:**

1. Yesu bwe yamala okubatizibwa Yokaana Omubatiza mu mazzi yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu n’amafuta.
2. Kitaawe yajulira nti Mwana we omwagalwa.
3. Yakulemberwa Omwoyo Omutukuvu mu ddungu okukemebwa Setani.
4. Bwe yamala okusiiba omukemi, Setani najja.

>> ENGERI YESU GYE YADDAMU ERI EBIKEMO ERAGA NTI:

1. Yesiga kigambo kya Katonda kyokka.
2. Obwesige bwe bwali ku Katonda yekka so si bikolwa bye.
3. Yali awaddeyo obulamu bwe bwonna okuweereza Katonda yekka n'okumusinja

>> OKUSOMESA KWA YESU KU KUSIIBA:

- Okusiiba kulina empeera: Matayo 6:16 – 18;
- Okusiiba kulina kulabikira mu Ndagaano Empya: Makko 2:18; Luka 5:33
- Yesu yasomesa okwegaanyisa okw'omubiri bwetuba tunasikira obwakabaka bwa Katonda. Matayo 16: 24

>> EKANISA EYASOOKA N'OKUSIIBA:

- Okusiiba kwogerwako omulundi ogusooka mu Bikolwa 13.
- Abaddu ba Katonda baali bateekateeka kuweereza: Ebikolwa 13: 1ff; Ebikolwa 14:21ff
- Pawulo yayogera ku kusiiba 1 Abakkolinso 7: 5; 2 Abakkolinso 6: 5

>> **OKUTEGEERA OKUSIIBA MUBUKYAAMU:**

- Nti okusiiba kukwata ku mutima gwa Katonda nakyuusa enteekateeka ye:
- Yona 3: 5ff
- Nti okusiiba kugoba dayimooni: Matayo. 17:21; Makko 9: 29
- Nti kuwa okusaba amaanyi: 2 Eby'omumirembe 7:14; 2 Samwiri 12: 16
- Nti okusiiba kutuleeta eri Katonda: Ebikolwa 10: 30
- Nti okusiiba kwateekebwawo Katonda: Isaaya 58: 1 – 9; Yoweeri 1: 13

>> **ENGERI Z'OKUSIIBA:**

- Okusiiba okw'ekitundu (kuno bwe butalya bika by'emmere ebimu; kusobola okumala ennaku 21) Danyeri 10: 3
- Okusiiba okw'ekitundu (kuno bwe butalya oba okunywa ekintu kyonna) kuno tekulina kusukka nnaku 3 (satu) Eseza 4: 16 – 17
- Okusiiba okulamba (kuno bwe butalya kintu kyonna naye nga onywa amazzi; kusobola okumala ennaku 14)
- Okusiiba okuwanvu (kuno ogenda ova ku mmere enkalu mpolampola n'odda ku mmere ennyangu, n'oluvannyuma n'odda ku mazzi gokka okumala ennaku 40) Matayo 4:2

Mu kusiiba kikulu nnyo okusoma ekigambo kya Mukama n'okukola ebyo Yesu byeyagamba tukole mu Matayo 6: 16 – 18.


>> **OKUSIIBULUKUKA:**

- Nga osiibulukuka kijja kusenziira ku kika ky'okusiiba omuntu kyasiibye.
- Okusiibulukuka okw'okusiiba okw'ekitundu tolina kulya mmere nnyingi wabula ofuna eky'okunywa ekibuguma n'olyoka olya emmere ennyingi.
- Okusiibulukuka okw'okusiiba okulamba n'okuwanvu kulina okukolebwa n'obwegendereza. Omuntu talina kupapira kulya mmere enkalu



Lined writing area consisting of 28 horizontal lines. The first 10 lines are grouped by a vertical line on the right side, and the remaining 18 lines are grouped by a vertical line on the left side.









Blank lined writing area with a faint watermark of a person's face in the background.





Lined writing area consisting of 25 horizontal lines. The lines are evenly spaced and extend across most of the page width, leaving a margin on the right side.





Lined writing area consisting of multiple horizontal lines for text entry.

